**16th August 2015.**

# OBUWEEREZA BWE BUGOBEREZI BWA YESU KRISTO OBUTUUFU.

**Yokaana 12:12 – 50.**

Mu kitundu ekyenkyuuko y'olugero lwa Yokaana Omutume ku bulamu bwa Mukama waffe Yesu Kristo, nga bwe twaategeezebwa essuula zino eyekkumi n'emu awamu n'eno ey'ekkumi nabbiri bwe ziri, nga essaawa oba ekiseera kye ekyaali tekinnaba nga bwe twaagambwa mu ssuula ey'okubiri, n'ey'omusanvu, kaakano kituuse, okukakasa nti ye yalina obuyinza okuwaayo obulamu bwe nga bwe yagamba mu ssuula 10:18, era nti wadde bo Abafalisaayo baali baagala akwaatibwe bukwaatibwa aggalirwe okutuusa okuggwa kw'ebiro by'embaga y'okuyitako. Yye nga ssaddaaka Ya Kitaffe entuufu era ey'olubeerera, ddala yalina kuweebwaayo ku kiro ky'okuyitako kya ssabbiiti eno eyali etuukiriza obunabbi bwonna obwa Daniyeri awamu ne Isaaya ne Zakaliya, n'obwa Zabbuli za Dawudi.

Mu ssuula yaffe eno e'yekkumi nabbiri, nga tuvudde ku kiro kwe twaasomesebwa omulundi oguwedde nga Yesu Kristo bwasinga byonna ebimanyiddwa ng'ebikulizibwa abantu; ebitiibwa, obugagga, obwaavu, obukyaayi na byonna, era n'olw'ekyo bwe kimugwaanidde okugulumizibwa n'okusinzibwa waggulu wa byonna, tulaba olunaku olwaddirira kwe yakkiriza okugulumizibwa nga bwe kyaali kimugwaanidde nga bwe lutugererwa mu nny. 12 – 26 ezigerwa ne mu njiri endala essatu zonna ng'amayingira ga Yesu Kristo mu Yerusaalemi mu kitiibwa….
*Tusome…*

Mu zino mwe tuggya omulamwa gw'okusomesebwa kwaffe leero, nti OBUWEEREZA BWE BUGOBEREZI BWA YESU KRISTO OBUTUUFU.
Kubanga tulaba abaamugoberera ekibiina ekinene, era abamawanga amangi, - "ensi yonna", Kyokka ate Yesu mu ku baanukula abakakasa mu lnny.25 n'26 nti..

Ekituwa amakulu nti bw'ogoberera Yesu olw'ekyo ky'oyagala okumuggyamu obugoberezi bwo tebuliimu nsa, nga bwe twaalaba mu ssuula ey'omukaaga. Era nga bwe twaalaba kw'olwo bangi ku bagoberezi be baamuvaako, era nga bwe

tunaalaba nti ekibiina kye kimu abali mu kumutendereza, mu nnaku ntono bajja kuleekaanira waggulu nti attibwe, akomererwe tetulina kabaka okujjako Kayisali

Naye nga bwe twaali twaategeezebwa mu ssuula 2:24,25 Yesu yali abamanyi bulungi mu mitima……

Kye yava afuba okubakakasanga kki kye yali, basobole okumugoberera olw'ekyo kyaali, era kye tuva tweetaaga okumumanya obulungi mu kubikkulirwa kw'ekigambo kye gye tuli, tusobole ommugoberera mu butuufu, kubanga kye kitusikiriza okweewaayo gyaali mu ngeri eya nnamaddala nga naye bwe yeeweerayo ddala eri Kitaffe n'atufiirira mu ngeri y'okutuwa obulamu obutaggwaawo obwo bwe yali akakasa okuwa bonna abamukkiririzaamu nga bwe tubuulirwa mu lnny. 24….

Kubanga olw'okumukkiririzaamu ddala kyaali gyetuli, 'OMULOKOZI' era 'MUKAMA WAFFE', - tumugoberera n'okwewaayo gyaali nga bwe yewaayo, ne yeerekereza byonna byonna, ebitiibwa n'obugagga bw'obwa katonda, olwo ne tumuweereza mu kwelekereza naffe byonna tusobole okubaza ebibala ebingi nga naye bwe yatubaza okuba ebibala eri Katonda Kitaffe.

Tujjukire nga bwe tunaabuulirwa mu ssuula 15:16  Yesu atugamba nti ….. n'olw'ekyo OBUWEEREZA BWE BUGOBEREZI BWA YESU KRISTO OBUTUUFU.

Mu ngeri ezikakasa obuntu ddala bwa Yesu Kristo ate awamu n'obwakatonda bwe ddala, nga bwe gubadde entakera mu ngera ya Yokaana ku bulamu bwa Yesu gyetuli, mu kutuula kwe ku ndogoyi eyali teyebagalwangako(tetulwangako), waliwo ekyamagero ekikakasa obuyinza bwe, mu ngeri gye yafunwaamu awamu n'okutambulirwaako, ate ne bwe tweyongerayo mu nny. Eziddako 27 – 33……

Lnny.32,33…Nga yesu bwe yali agambye Abayonaani mu lnny.23, Engeri entuufu gyetulabiramu Yesu Kristo kwe kukkiriza okufa kwe n'okuzuukira kwe ku lwaffe, kubanga bye byatuukiriza okujja kwe tumulabe. Era mu bbyo mwe tukakasiza ekitiibwa kya Katonda Kitaffe mu kwagala kwe n'ekisa kye awamu n'amaanyi ge, ebiyitirivu gye tuli. Bye tugwaanidde okukkiriza ng'ebyanamaddala, olw'obulokozi bwaffe.

Ne Yesu kyassaako essira mu kubuulira kwe okwasembayo eri ekibiina kya bonna, nny.34 - 50 ………..

Nabw'ekityo gyetuli amazima bwe gazze okuva ku ssuula essooka, - tugakkiriza tube n'obulamu obwa nnamaddala, obulamu obutagwaawo, obuwanguzi era obutuukirivu? Lnny.36a….